# Engeri gy'olwanyisa omuze gw'okweganza mu baana


Josephine Kasaato

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

ABAANA baffe nga bali ku masomero, ogumu ku mize gye batera okuyigirayo kwe kwemakula ne batandika okweganza abamu ne kibaviirako n'okulemwa okusoma.

Omuze guno gwa bulabe gyebali anti gusobola okusaanyaawo ebiseera bye eby'omu maaso mu budde obutono ennyo singa omwana aba tayanguyiddwa.

### EBIVAAKO ABAANA OKWEGANZA

Pulezidenti wa Mothers Union mu Buganda Josephine Kasaato agamba nti: Abazadde tulina okumanya nti, abaana baffe bwe baba bakula, mu butonde waliwo ebikyuka ku mibiri gyabwe era ne gutandika okubasaba ebintu ebimu. Bw'atafuna buyambi bumala mu kiseera kino asobola okukemebwa n'agwa mu nsobi.

Ekirala abaana abamu baba baagala okuzuula ebyo bye basoma

Singa omusomesa abasomesa essomo erikwata ku mibiri gyabwe kyokka n'ataba muzadde kimala okubalabula ennyo nti, by'abasomesezza tebalina kubiteeka mu nkola, bamaliriza baagadde okubaako bye bazuula okukakkana nga bagudde mu muze guno.

Abandi bagugwamu lwa bibinja bya bannaabwe bye bafunira ku ssomero, bwe wabaawo eyagufuna edda, asobola okwonoona n'owuwo n'akomawo mu luwummula luno ng'agutandise era ng'olina okumuyamba mu bwangu.

Ekirala bambi ekiteeka abaana baffe mu bulabe bw'okufuna omuze guno, y'embeera gye bawangaaliramu nga tuli nabo awaka, abamu tubasuza bubi ne




batalina kuwulira oluusi nga biva mu bazadde bennyini ate abalala ku mirirwano naddala mu mizigo egitatuuka, abalala mu ba bodaboda be tubawa okubatwala ku masomero n'abandi mu b'eng'anda gye tubatwala okuwummula. Bino byonna tulina okubyegendereza.

### OBULABE OMWANA BW'ABEERAMU NGA YEENYIGIDDE MU MUZE GUNO

Bazadde bannange mulina okumanya nti, omuze gw'okweyingiza mu nsonga z'omukwano gukosa abaana baffe abawala n'abalenzi newankubadde abamu balowooza nti, gukosa bawala bokka. Bwetuba tugulwanyisa, tulina okukozesa 'amaanyi' ge gamu ku muwala

Obulabe omuze guno gwe buleeta eri abaana kwekuba nti, basobola okufuna endwadde ez'ekikaba omuli; siriimu, kabootongo, enziku n'endala. Zino za bulabe eri abaana baffe era nga ziyinza n'okubaviirako okufa.

Mu ngeri y'emu omuze guno gusobola okuvaako abaana abawala okufuna embuto ze bateeyagalidde, abalenzi okusibwa era olumu n'okulemererwa okusoma.

Ekirala omwana ayingiriddwa omuze guno, ebirowoozo tebisobola kumubeera wamu, oluusi asoma na bubi. Ekyo nno nakyo kizibu kinene ddala.

### KW'OLABIRA OMWANA AYINGIRIDDWA OMUZE GUNO NE BW'OMUYAMBA

Omwana bw'akomawo ng'avudde ku ssomero, tandika okumwetegereza n'okwetegereza emikwano gy'atambula nagyo. Tunuulira

n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo.

Bw'ozuula oba n'oteebereza nti, alabika yayingirirwa omuze guno, yogera naye, mubuuze embeera gy'abadde yeeyisaamu ku ssomero era olabe bw'omuyamba.

Bino byonna bikole mu mukwano, bw'obikola n'obukambwe oba n'oggyayo omuggo, omwana tajja kukweyabiza ate n'omuze guno guyinza okukulemerera okugumuggyamu.

Omwana wo mulage obulabe obugulimu nga bwe tubulambise mu mboozi eno, ate omwewaze ebyo ebiguleeta era nga bwe tubikulaze. Ebyo bye tukulaze bw'obiteeka mu nkola, abaana baffe tebajja kugwa mu muze gwa kuyingiramu muze gwa kwenyigira